



EBIFA KU MBEERA Y'EBIRIME EBY'EMBALA ENGUNJE EBYATEKEBWA KU KATALE MUNSI YONNA: 2014

Bya Clive James, Omutandisi era Ssentebe eyawummula owa ISAAA
Ku lw'okujjukirirako omugenzi Norman Borlaug omuzira w'omudaali gwa Nobel era omuyima wa
ISAA eyasooka ku lunaku lwa mazaliibwa ge olwa 25 March 2014.

Obukakafu Kkumi Obwenkukunala Obukwaata ku Bimera Ebyembala Engunje mu 2014.

Obukakafu Obusooka; 2014 gwaali mwaaka gwa buwanguzi mu kawefube owo kutuusa ku katale e bimera ebyembala engunje. Okuva ku nnimiro ze bimera ebyembala engunje ezasookera ddala okusigwa mu 1996, obunene bwa hekiteya z'ennimiro ez'ebimera bino akawumbi kamu mu obukadde (80) , akaali katasuubirwa kuwera, kasigwa n'okulimwa , obunene buno obugeza ku bitundu 80 ku buli kikumi (100) mu kukira ettaka lya China lyonna oba erya United States. Hekiteya ze nnimiro ze birime ebyembala engunje zasigwa mu nsi 28 mu mwaaka gwe 2014 era obungi bwa hekiteya ze nnimiro zino bulinye ebitundu 100 biramba okuva ku kakadde akamu mu emitwaalo ensanvu (1.7 m) mu 1996 n'ebutuuka ku bukadde kikumi mu kinaana mu kamu n'ekitundu (181.5) obwa hekiteya mu 2014- kwe kulinya kwa hekiteya obukadde mukaaga ne bitundu bisatu (6.3) omwaaka ogwo ngo gerageranya n'obukadde obuttaano obwalinya mu 2013; kuno kulinya okwa buli mwaaka okwe bitundu 3 ne 4 ku buli kikumi. Okulinya kuno okw'ebitundu ekikumi ebiramba kufuula enkozesa y'ebimera ebyembala engunje tekinologiya we bimera asinga okwettanirwa mu nsangi zino- ensonga eleeta obuganzi buno esibuka ku miganyulo gyaabyo. Omuwendo gwe nsi ennimi z'ebimera ebyembala engunje kati zikubisaamu emirundi ena okuva ku ogwo omukaaga ogwaliwo mu 1996 okutuuka ku 28 mu 2014; 2014 gwasingako 2013 omulundi gumu.

Obukakafu Obwokubiri Omuwendo gwa balimi be bimera ebyembala engunje. Mu mwaaka gwe 2014, obukadde kumi namunaana (18) obwa balimi, 90 ku buli 100 kwaabo nga banaku, basiga likoda y'obukadde 181 obwa hekiteya ze birime ebye mbala engunje mu nsi 28. Abalimi bantu balina obumanyirivu obwe kika ekya waggulu mukwekengera embeera zona eziyinda okubafiriiza era bo batera kukozeza bukozesa engeri eya bulijjo gamba nga amaanyi obwanyi agosoboka okulinyisa ku muwendo gwe birime byaabwe (mu ngeri eyo baba basigala balima enimiro akawumbi 1.5 aka hekiteya ze bimera koka ,nebaba nga bataasa ebibira n'obutonde). Wabula obukadde 7.1 obwabalimi banfuna mpola mu China nabalala 7.7 mu Buyindi baasalawo okulima enimiro ezisukka mu bukadde e kkumi n'obutaano (15) obwa hekiteya za ppamba owe kika kya Bt. mu 2014 olwe miganyulo egivaamu. Okufaanagana ko nekyo , emitwaalo 415,000 egya balimi banfuna mpola mu Philippines baaganyulwa mu kulima Kassooli owe mbala engunje.

Obukakafu Obwokusattu. Obukulembeze obumalirivu kwasobozesa Bangladesh okuwa olukusa Biringanya owe kika kya Bt. okutekebwa ku katale omulundi ogusookera ddala munsu eyo. Ekyenkukunala kiri nti Bangladesh, ensi entono, enjavu ate nga erina namungi wabantu obukadde 150 yayisa ekimera kya Biringanya ekye kika kya Bt eky'embala engunje mu October nga 30 ogwe 2013; ate mu likoda ya bbanga lya nnaku ezitawera na kikumi nga olukusa luwebweddwa, abalimi banfuna mpola basigirawo Biringanya owe kika kya Bt nga 22 jan 2014. Kino kyaali tekisoboka kubaawo awatali buwagizi bwa maanyi obwaava eri Govt n'obukulembeze obumalirivu naddala Minista we byobulimi Matia Chowdhury- kino kyakulabirako kikulu eri ensi entono nga njavu. Bangladesh yatandika dda okugezesa lumonde ow'embala engunje mu nnimiro zaayo awamu n'okwekenenya Ppamba no muceere ebyembala engunje.

Obukakafu Obwokuna. Ebimu ku bimera ebyembala engunje ebyakakirizibwa mu biro bino mulimu emmere ey'ennono za bantu abamu -gamba nga lumonde omuzungu mu United Sates ne Biringanya mu Bangladesh. Mu 2014, United States yayisa okulimwa kwe bimera ebyembala engunje ebipya bibiri: lumonde owe kika kya innate TM, nga emmere eno ya nnono mu bantu bayo, erina ekirungo kitono ekya acrylamide, kino kisobola okuvaamu ekirala ekya carcinogen no kukendeeza ku mmere eyononebwa; era kikendeeza neku kirungo ekiyitibwa lignin alfafa event KK179 (HarvXtra™) era kyangu okumulungulwa omubiri ate nga kibala nyo (alfafa kye kimera ekyo muddo gwe nsolo ekisooka mu nsi yonna). Indonesia yayisa olukusa lw'okulimwa kwe bikajjo ebikumira ekyeeya. Brazil yakkiriza Cultivance™, ekika kya Soya owe kika kya HT, ne Kijanjaalo ekinnansi ekikumira ebiwuka , awo netemyaako nti bino bibe bulindaala okusigwa mu 2016. Vietnam yayisa okulimwa kwa Kassooli owe kika kya HT ne IR omulundi ogusookera ddala mu 2014. Nga ogasse ku bimera bye mmere ey'embala ebigasa obutereevu abali baabyo (gamba nga Kassooli mu South Africa, Suga biiti ne Kasooli awomerera mu United States ne Canada, gattako amapapaali ne bikammulo mu United United States) ebimera eby'embala ebipya mulimu "nabakyaala" we nva endiirwa Biringanya mu Bangladesh ne Lumonde mu United States-Lumonde atwaala ekifo kya kuna mu mmere eye nnono za bantu abamu mu nsi yonna era asobola okugasa okutumbula ku bungu bwe mmere mu nsi nga China (erima obukadde mukaaga (6m) obwa lumonde ono), India obukadde bubiri (2m) ne European Union, obukadde bubiri (2m).

Obukakafu Obw'okuttaano. Ensi ettaano ezisiga ebimera ebyembala engunje. United States yeyongera okubeera ensaale mu bungu bwe nnimiro z'ebimera bino ne hekiteya obukadde 73.1 (bye bitundu 40% ebye nnimiro zino ezirimwa mu nsi yonna) gattako obujjumbize obw'enkozesa ey'ebyo ebimera ebikulu ya bitundu 90% gamba nga Kassooli (ajjumbiddwa ebitundu 93%) Soyabean (ebitundu 94%) ne Ppamba (96%).

Wadde nga Brazil ebadde nsaale mwaaka ku mwaaka mu kwongera ku bungu bwa hekiteya ze nnimiro ze birime bino, yo United States yatwaala kisooka mu 2014 ne hekiteya obukadde 3 bw'ogerageranya n'ezo eza Brazil akakadde akamu (1.9) omwaaka ogwo. Ekikulu kiri nti Brazil yasiga Soybean owe kika kya HT/IR ow'embala engatte ku bunene bwa likoda ye nnimiro zino obw'enkanankana obukadde 5.2 obwa hekiteya mu mwaaka ogw'okubiri gwokka nga enkozesa ye birime bino yakamala okutongozebwa. Canada yatwaala kya kuttaano ne hekiteya obukadde 11.6 ne kirime kya Canola omungi ko nga omwo mw'otwaalidde n'obujjumbize bwaayo obungi obubalirirwa okuwera ebitundu 95%. Mu mwaaka gwe 2014 ensi zino ettaano enkulu, zasiga obungi bwa hekiteya ze nnimiro ze birime bino obusoba mu bukadde ekkumi buli nsi kinoomu. Okwo kwaali kusimbira ddala omusingi omunene ate nga muggumivu mu kuttumbula enkulakulanya y'enkozesa y'ebirime bino gye buja.

Obukakafu Obw'omukaaga. Kassooli ow'embala engunje agumira ekyeeya eyasooka okulimwa mu United States mu 2013 yeyongerako emirundi egisoba mu ettaano (5) mu 2014. Kassooli ow'embala engunje agumira ekyeeya (Biotech DroughtGard™ tolerant maize) eyasooka okulimwa mu United States mu 2013 yeyongerako emirundi ettaano 5.5 okuva ku hekiteya 50,000 mu 2013 okutuuka ku 275,000 mu 2014 ekyoleka obumativu abalimi bwe balina mu bimera bino. Enkola yemu yatonebwa ab'enkola egatta Govt ne Bassekinoomu, eyitibwa Kassooli Eyeyambisa Amazzi Amatono enyo mu Africa (eyitibwa WEMA) elubirira okubunya Kassooli agumira ekyeeya munsu enondemu eza Africa nga 2017.

Obukakafu obw'omusanvu. Embeera ye bimera ebye mbala engunje mu Africa. Ssemazinga wa Africa yeyongerako okugenda mu maaso mu nkozesa ye bimera bino wadde nga South Africa, yakenderako katonu obukadde 2.7 obwa hekiteya olw'ekyeeya. Sudan yayongerako ku hekiteya ze nnimiro zaayo eza Ppamba owe kika kya Bt emirundi 50 ku buli kikumi. Wabula ekyeeya kyalobera Burkina Faso okwongerako ku bungu bwa hekiteya zaayo wadde yalina obusobozi obussukka ku kitundu kya kakadde (0.5m) aka hekiteya ezirimwa mu nsi eyo. Ensi endala musanvu (Cameroon, Misiri, Ghana, Kenya, Malawi, Nigeria ne Uganda) zagezesa mu nnimiro zaayo ebirime ebiteera abanaku, nga guno mutendera oguddirira ogusembayo mu bisanyizi ebyetabirwa okuyisaamu amateeka agafuga enkonzesa y'ebirime bino. Ekikulu kiri nti Polojekiti ya WEMA etteekatteeka okugaba ensigo e'zembala engunje engatte eza Kassooli agumira ekyeeya owe kika kya DT nga agoba n'ebiwuka (Bt) mu South Africa mu mwaaka gwe 2017. Ebbula ly'amateeka agayisa enkozesa ye birime bino ne nkola erondoola ensonga zino nga yesigama ku nkola ey'obwangu ate nga ekekereza n'okweyambisa enkola ye kina ssayansi, yeremeseza obujumbize bw'e nkozesa ye nnima ye birime bino mu mawanga ga Ssemazinga wa Africa. Wetaagisawo amangu ddala, enkola na mateeka ago buvunanyizibwa amakakali naye nga tegaleeta mberebezi okuddukirira obwetaavu bw' abalimi banfuna mpola mu mawanga amatono amaavu agakyaakula.

Obukakafu Obwo munaana. Embeera ye bimera ebyembala engunje mu Africa.

Ensi za EU ttaano zagenda mu maaso okulima hekiteya ze nnimiro 143,016, wano zakkamu katonu obutundu tundu busatu ku buli kikumi (3%). Spain ye yali ensaale ne hekiteya 135,538 eza Kassooli owe kika kya Bt, wano yakkamu obutundu tundu busatu ku buli kikumi (3%) wabula nessigala ne likoda yo kwettanira ebimera bino ya bitundu 31.6%. Mu bimpimpi waliwo okuttumbuka okwo munyoto mu nsi ssattu eza EU ate n'okuka wansi katonu mu nsi bbiri olw'ensonga nti Kassooli yasigwa katonu mu mwaaka ogwo; okwo kwogatta ne nkola y'okutambuza emirimu eyakasoobo.

Obukakafu Obw'omwenda. Emiganyulo egiri mu birime ebyembala. Okunonyereza namutayiika okupya okwakolebwa mu 2014 okutaba amawanga kwaggumiza emiganyulo emingi egibaddewo mu myaaka 20 egiyise. Okunonyereza namutayiika okwembeera ez'enjawulo 147 mu myaaka 20 egiyise okwakolebwa okutaba amawanga, kwakakasa nti okutwaalira awamu enkozesa ya tekinologiya ye bimera engunje yasobozesa okukendeeza ku nkozesa ye ddagala erifuuyira ebirime ebitundu 37 ku buli kikumi (37%), neyongerako ku makungula ebitundu 22% ate netumbula ku magoba g'abalimi ebitundu 68%. Ebyazuulwa bino bijjuliza bulungi ebyo ebiva mu kunonyereza okulala okwensi yonna okukolebwa buli mwaaka. Ebyakazuulwa okuva mu 1996 okutuuka mu 2013 biraga nti ebirime ebyembala byaleetawo obwanamaddala bw'obungi bwe mmere, essuubi erye nkalakalira mu busobozi bwo kulima emmere emala, n'okuuma embeera y'obudde n'obutonde bwaayo mu ngeri eno wansi:

Bya yongeza ku makungula ge bimera agabalibwaamu obuwumbi 133 obwa dollar za America; Byaleetawo embeera y'obutonde bwensi ennungi ngabittaasa ku nkozesa ya kg obukadde 500 obwe ddagala eryaali likozesebwa okufuuyira ebimera okuva mu 1996 okutuuka mu 2012; Mu 2013 gwokka, byakendeeza kg obuwumbi 28 ez'omukka ogwe kika kya CO₂,ogwaali gufuluma mu bwengula kyoyinza okugerageranya n'okujja emmottoka obukadde 12.4 ku nguudo; Nekikuuma obutonde bwensi nga kittaasa ettaka eriwera hekiteya obukadde 132 okuva mu 1996 okutuuka mu 2013. Ne bijjuna abaavu nga biyamba abalimi obukadde 16.5 banfuna mpola awamu naba makka gaabwe abawerera ddala obukadde 65 nga bebamu ku baavu lunkumpe munsu yonna. Ebimera ebyembala byetaagisa naye ate si kikolo kya ssimba nti kivumula ebizibu byo mulimi byonna, n'olwekyo kikyetaagisa ennima ennungi gamba nga okukyusakyuusa mu nnima n'okufuba okulaba nga ebirime bigumira embeera;kino kikulu nyo mu nnima y'ebirime eby'embala nga bwe kiri ku birime ebya bulijjo.

Obukakafu Obwe Kkumi. Essuubi ly'omumaaso. Mpola mpola essuubi lijja lyeyoleka buli mwaaka olw'enettanira eyawaggulu (eli wakati wa 90 ku 100) eye bimera eby'embala ebikkulu ebiriwo kati, waliwo akaanya k'okugaziwa mu butale obwakula edda mu mawanga gombi agakyaakula n'ago aga nnamakolero. Omukutu gujjudde ebimera ebyembala ebipya ebisuubirwa okubaawo mu myaaka ettaano ne mirala egijja mu maaso (singa amateeka gayisibwa okukkiriza okusiga n'okusubuula ebirime bino)-olukalala lwe ebimera ebissukka mu nsaanvu lusange mu kiwandiiko ekijjuvu. Munu mulimu ebimera n' ebika ebipya eby'engeri nyingi ne bintu bingi ebivaamu ebikumira ebivuka/endwadde nga ate bigumira ne ddagala erifuuyira; Omuceere ogwe kika kya zaabu gugenda mu maaso n'okugezesebwa mu nnimiro, lumonde agumira endwadde naye kati agezesebwa e Bangladesh, Indonesia ne Buyindi. Mu United States , Simplot yamala dda okusaba olukusa lwa lumonde owe kika kya Innate agumira endwadde ate nga alina ssukaali mutono; ebimera ebijjuna abaavu naddala mu Africa nga ebitooke ebiggumivu ne Kawo agumira ebivuka biraga essuubi; enkola y' omukago gwa Govt ne Bassekinoomu (eyitibwa PPP) erabika essobodde okukulakulanya n'okubunya ebimera ebyo ebyakkirizibwa mu mateeka eri abo ababyetaaga - okunonyereza kwa PPP okwengeri nya okulaga ebika bye bimera eby'engeri nyingi ebisangibwa ku zi ssemazinga essatu ezomu maserengeta gensi yonna kwogelwaako mu kiwandiiko ekijjuvu.

ISAAA si kitongole kya busuubuzi ekigenderera okufuna amagoba, kiwagirwa gavumenti ne bitongole ebisuubuzi. Omuwendo gwa hekiteya ze nnimiro ze birime ebyembala ogufulumira mu biwandiiko bya ISAAA gutwaalibwa wamu wadde nga mulimu endyo ezembala engatte eziri mu bimera byonna. Ebisingawo bisange mu kiwandiiko kya ISAAA namba 49 "Global Status of Commercialized Biotech/GM Crops: 2014" (Embeera y'ebirime ebyembala ebyetunzi munsu yonna: 2014) ekyawandiikibwa Clive James. Okumanyisibwa okusingawo kusange ku mukutu gwa Yintaneti oguyitibwa <http://www.isaaa.org> oba tuukirira ISAAA AfriCenter ku ssimu nnamba +254204223618,oba ku email africenter@isaaa.org.